# Okufuna nnamba puleeti ya digito nnina kusasula ssente mmeka?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.



Mmotoka empya okufuna nnamba puleeti ya Digito osasula 715, 000/-

**Nina nnamba enkadde eya UBL/R gye njagala okukyusa nfune empya. Bwe muba mulanga mugamba tulina okusasula 150,000/- kyokka bwe nasaba ne bang'amba 700,000/-. Mumpabule, ekituufu kye kiruwa?**

Emmotoka eyingizibwa eggwanga omulundi gwayo ogusooka essibwako ennamba ya digito empya ku nsimbi 715,000/-. Kyokka bw'oba ng'osangiddwa ng'olina ennamba enkadde ng'oyagala kukyusa kudda ku ya digito, osasula 150,000/-.

**Nalina bizinensi era nga nafuna ne TIN number. Nagiwaako omulala n'atandika okugiddukanya kyokka mu kiseera kino bakyampeereza mesegi nga bammanja omusolo. Nkole ki?**

Buli lw'oggulawo bizinensi, n'ogiwandiisa ku musolo ne tukuwa TIN, olina obuvunaanyizibwa okututegeezaako bizinensi eno bw'eba efunyeemu okusoomoozebwa okugeza okugiggala oba okukyusa obwannannyini. Ekyo bwe kiba tekikoleddwa, URA erowooza nti okyali mu bizinensi, ng'eno y'ensonga lwaki oweerezebwa mesegi ezikujjukiza okusasula.

Olw'okuba bizinensi eyo yava mu mikono gyo, bw'oba tolina nnyingiza ndala gy'ofuna ku TIN eyo, nkusaba okyalire ofiisi ya URA ekuli okumpi olwo TIN eno esirisibwe akaseera k'onoomala nga tolina nnyingiza. Nnannyini bizinensi eno akubirizibwa okufuna TIN ye ku lw'omusolo gw'erina okusasula.

**Lwaki emisolo temugituteera mu nnimi ennansi ebiwandiiko okusinga okubituwa mu Lungereza lwe tutategeera (Brian Ssekamatte e Mukono).**

Mwami Ssekamatte, ebiwandiiko ebikwata ku musolo bivvuunulwa mu nnimi ennnansi 13! Okusoma ebiwandiiko bino, nkukubiriza okukyalira ekibanja kyaffe ku www.ura.go.ug.

Mu mbeera y'emu, waliwo n'obutabo obufulumizibwa mu nnimi ez'enjawulo obukwata ku musolo.

Nkukubiriza okujjumbira emisomo gyaffe oba okukyalira ofiisi ya URA ekuli okumpi, osome ku biwandiiko bino okusobola okubinnyonnyoka.

**Mbuuza ekigambo TIN kitegeeza ki?**

TIN, mu bujjuvu kiri Taxpayer Identification Number, nga eno y'ennamba y'omusolo eweebwa omuntu ssekinnoomu oba kkampuni eba yeewandiisizza ku musolo.

Eno egabwa omulundi gumu nga kwe kulondoolwa ensonga z'omusolo zonna.

Weetegereze: Waliwo enteekateeka y'okukyusa okuva ku kukozesa ennamba eno okudda ku kukozesa ennamba ya densite (NIN) eri omuntu ssekinnoomu oba BRN eri bizinensi.



Akulira URA, Musinguzi.

**BUUZA KAMISONA**

### URA okusolooza ssente z'amasomero kwakoma wa?

**Enkola ya URA okusolooza ssente mu masomero ga Gavumenti yakoma wa? Twali tugyesunze nga tumanyi egenda kutuwonya okutubinika ffiizi.**

Ekitongole kya URA kyaweebwa obuvunaanyizibwa bw'okukung'aanya ebisale by'amatendekero ga Gavumenti aga waggulu gonna okwetooloola eggwanga. Ensimbi zino zisasulwa okuyita ku akawunti za URA mu bbanka ez'enjawulo n'enkola endala zonna okuyitirwa okusasula ebisale okugeza Mobile Money. Noolwekyo, abantu bonna abasomera oba okuweerera mu matendekero ga Gavumenti bakubirizibwa okusasula ebisale nga bayitira mu nkola eno.

## Bwe mbeera nzimba ennyumba y'amaka nnina kusasula misolo ki?



Ennyumba ey'amaka.

**Bwe nzimba ennyumba y'amaka, nnina kusasula misolo ki?**

Olw'okuba ennyumba gy'ozimba nga ya maka eba yiyo ya kusulamu, teri mu musolo gw'ogisasulira kubanga teri nnyingiza gy'ogifunamu ng'omuntu.

**Ndowooza nti URA mwandibadde mulowooza ku ky'okuzzaawo omusolo gw'omutwe kuba obutabaawo kireetedde abavubuka bangi okulagajjala ne batabaako kye bakola kivaamu ssente.**

Omusolo gw'omutwe (Graduated Tax) gwasikizibwa ogwa Local Service Tax (LST) n'ekigendererwa ky'okukakasa nti abagusasula balina ennyingiza. Guno gusasulwa abakozesebwa n'abo abeekozesa bokka. Wano bw'oba osasula Trading License osasulirako omutemwa gw'omusolo guno. Jjukira nti ekimu ku bigendererwa by'omusolo guno, kuliko okukendeeza ebizibu ebyali byetobese mu kuguwooza okuli ensimbi ennyingi ezaasaasaanyizibwanga okuguwooza, obuvune abagukung'aanya bwe baafunanga n'emitawaana emirala mingi. Abavubuka Gavumenti efaayo okubakubiriza okukola okuyita mu nteekateeka ez'enjawulo okuli ey'Emyoga, Parish Development Model (PDM) n'endala.

**Ssinga Gavumenti ebowa emmotoka z'omukungu wa Gavumenti ne zitundibwa ku nnyondo era muziggyako omusolo?**

Emmotoka yonna bw'eba eyingizibwa eggwanga awatali kwawulamu oba ya mukungu wa Gavumenti oba nedda, eteekeddwa okusasulirwa omusolo. Kyokka bw'emala ebbanga eryalagirwa mu mateeka nga tennasasula musolo, esobola okutundibwa ku nnyondo. Mu mbeera y'emu Gavumenti bw'eba eboye emmotoka y'omukungu yenna, n'esalawo okugitunda ku nnyondo, ensimbi ezo ziba za Gavumenti ate mu mateeka, ennyingiza ya Gavumenti teggyibwako musolo.